OKUGOLOLA ENSOBI

Bwe weesigama ku mateeka g'empandiika entongole awamu ne ggulama gwe tusomye , tuyinza okumweyambisa okugolola ensobi zonna eziba zikoleddwa mu mpandiika y'olulimi oluganda . bw'oba ng'onoogolola ensobi zonna ziggweemu bino by'ogoberera

Ebikulu ebigobererwa mu kugolola ensobi.

- Sooka osome ekitundu / sentensi ekuweereddwa osobole okulaba ensobi
- Saza ku nsobi ezeeyolekedde mu kitundu oba sentensi
- Manya ebintu ebyenjawulo ensobi mwezitera okweyolekera.
- Golola ensobi /ddamu owandiike sentensi ng'oggyamu ensobi ezirabikiddemu ng'osinziira ku mateeka agafuga olulimi.

Ebintu ebyenjawulo ensobi mwe zeeyolekera

Ensobi ezeeyolekera mu sentensi / ekiwandiiko zeesigama ku bino era by'osaana okwekeneenya

Empandiika Entongole

Kino ky'ekitundu ekikulu ensobi ezisinga mwe zeeyolekera era y'ensonga etuleetedde okutunuulira akatundu kano oluvannyuma lw'okusoma empandiika. Mu mpandiika entongole bino byetussaako essira nga tugolola ensobi

(i) Enkozesa y'ennukuta

Ennukuta zonna eziri mu Walifu zirina amateeka gaazo ag'empandiika singa gamenyebwa awo ensobi wejjira. Ennukuta ze tugenda okusinga okwekeneenya ze zino

Empeerezi

Wano weetegereza amateeka gonna agafuga empandiika y'empeerezi kubanga ensobi mwe zeeyolekera okugeza

(i) Naiga aweereddwa omugaati.
Ekituufu: Nayiga aweeredwa mugaati.
Ensonga: empeerezi ebbiri ezitafaanagana teziwandiika wamu mu kigambo.

(ii) Eente etomedde omwana
Ekituufu: Ente etomedde omwana.
Ensonga: Empeerezi ebbiri tezitandika kigambo.

Okuwangaala

Weetegereze oba ekigambo kirimu eddoboozi eriwangaala naye nga teriteereddwamu okugeza

(i) Omuyizi awata emmere
Ekituufu: omuyizi awaata emmere.

(ii) Tetutera kulota misana
Ekituufu: tetutera kuloota misana.

Nampawengwa

(i) Omukyaala atutte omwana mu ddwaliro.

(ii) Omutwaalo gwange gugudde

(iii) Nasanze omuwwala ku luzzi.

- Mu sentensi esooka ensobi eri mu kigambo omukyaala ekituufu kiri omukyala.
  Ensonga : ensirifu bwegattibwako nampawengwa ku ddyo tetuwangaala.
- Mu sentensi eyookubiri ensobi eri mu kigambo omuwwala ekituufu kiri omuwala
  Ensonga: Nampawengwa teziwandiikibwa bbiri wmu mu kigambo (teziggumira)

Nakinnyindwa

(i) Ageenze mu kiraalo
(ii) Baleese enŋoma
(iii) Otusanze enjjala etuluma

- Mu sentensi esooka ensobi eri mu kigambo ageenze ekituufu kiri agenze.
  Ensonga: Nakinnyindwa bwegattibwako ensirifu ku kkono tetuwangaala
- Mu sentensi eyookubiri ensobi eri mu enŋoma ekituufu eŋŋoma
  Ensonga: Nakinnyindwa ezitafaanagana tezeriraana mu kigambo
- Mu sentensi eyookusatu ensobi eri mu kigambo enjjala ekituufu kiri enjala
  Ensonga: Nakinnyindwa bwegattibwako ensirifu, ensirifu eyo tesobola kuggumira

L ne R

Enkozesay'ennukuta zino nayo eyawukana wadde tuzitabula okugeza

(i) Omuraru agudde mu kkubo
(ii) Tuleetele ekibbo
(iii) Enjalla zinnuma nnyo

- Ensobi mu sentensi esooka eri mu kigambo omuraru ekituufu kiri omulalu.
  Ensonga: ennukuta r tewandiikibwa luvannyuma lwa mpeerezi 'u' ne 'a'
- Mu sentensi eyookubiri ensobi eri mu kigambo tuleetele ekituufu tuleetere
  Etteeka: Ennukuta eya L tewandiikibwa luvannyuma lwa mpeerezi 'e' ebeera r.
- Mu sentensi eyookusatu ensobi eri mu kigambo enjalla ekituufu kiri enjala.
  Etteeka: ennukuta eya l teggumira

Gy, ggy, ne jj

Ennukuta zino ziwulikika ng'ezifaanagana era olwekyo zikolebwamu ensobi nga ziwanyisiganyizibwa okugeza

(i) Abaana tebagyeeyo bitabo
(ii) Mugye mu kibiina tusome.
(iii) Olugoye terumuggyaamu.

- Mu sentensi esooka ensobi eri mu kigambo tebagyeeyo ekituufu kiri tebaggyeeyo

Ensonga / etteeka: Ekigambo kirimu amakulu ago kuggya (to remove)

- Mu sentensi eyookubiri ensobi eri mu mugye ekituufu mujje
  Etteeka: Ekigambo ekirimu amakulu ag'okujja (to come) noolwekyo tweyambisa 'jj'
- Mu sentensi eyookusatu ensobi eri mu kigambo terumuggyaamu ekituufu kiri terumugyamu
  Ensonga: Ekigambo ekirimu amakulu ago kugy (to fit) noolwekyo tweyambisa 'gy' ate n'eddoboozi eriwangaala teriragibwa

Okuggumira

- Ensobi ziyinza okweyolekera mu ddoboozi eriggumira nga teriteereddwamu mu sentensi so nga lyandibaddemu okugeza
  Amutumye omudo gw'ente
- Mu sentensi eno ensobi yeeyolekedde mu kigambo omudo ekituufu kiri omuddo
  Ensonga: ekigambo kirimu eddoboozi eriggumira naye teriragiddwa
- Mu ngeri endala eddoboozi lino lisobola okulagibwa weritagenda okugeza
  Banaajja ku makya.
- Mu sentensi eno ensobi eri mu kigambo banaajja ekituufu kiri banajja
  Ensonga: tetuwangaala ku kkono wa ddoboozi eriggumira.

Ennukuta ennene.

Oluusi ensobi erabikira mu nkozesa y'ennukuta ennene. Ng'eteereddwa wetalina kugenda oba nga ewandiikiddwa nga ntono so nga yandibadde nnene okugeza

- Tusanze Abayizi batudde mu kibiina ng'omusomesa asomesa.
  Ekituufu: Tusanze abayizi batudde mu kibiina ng'omusomesa asomesa.
  Ensonga : Ennukuta ennene tebeera wakati wa sentensi nga si linnya lya nkalakkalira
- Bweyagenze e kyengera teyakomyewo mu budde bwe twamugambye
  Ekituufu: bweyagenze e Kyengera teyakomyewo mu budde bwe twamugambye.
  Ensonga: Erinnya eryenkalakkalira teritandika na nnukuta ntono.

(ii) Okwawula ebigambo
Ensobi ezimu zirabikira mu bigambo nga bigattiddwa wadde nga bisaana kwawulibwa nga wano

- Mugambe alonde mwezo andetere
  Ekituufu : Mugambe alonde mu ezo.
  Ensonga : Nakalazi tegattibwa ku bigambo birala.
- Agendawa?
  Ekituufu : Agenda wa?
  Ensonga: obugambo obubuuza tebugattibwa ku bigambo birala.
- Ggw'ani?
  Ekituufu : Ggwe ani ?

Ensonga : nakasigirwa ezoobuntu ezeemala tezigattibwa ku bigambo birala.

(iii) Okugatta ebigambo

Ensobi ezimu zibeera mu bigambo nga bisaana okugattibwa wadde nga biba biwulikika ng'ebisukka mu bibiri okugeza

- Otuuse buyise n'olwekyo ogenda kubonerezebwa.
  Ekituufu : Otuuse buyise noolwekyo ogenda kubonerezebwa
  Ensonga :
- Guva mu Ngabo aleese omwana we ku ssomero
  Ekituufu; Guvamungabo aleese omwana ku ssomero.
  Ensonga: erinnya terikutulwamu
- Twayogedde n'ow'essaza n'agamba ajja kujja akulabe.
  Ekituufu: Twayogedde n'owessaza n'agamba ajja kujja akulabe
  Ensonga: Erinnya eryenkalakkalira terigendamu kabonero kasukkize.

(iv) Enkozesa y'obubonero

Ensobi zisobola okweyolekera mu nkozesa y'obubonero noolwekyo agolola ateekeddwa okuba ng'amanyi bulungi engeri obubonero obwenjawulo gye bukozesebwamu.okugeza

- Alese ngabaana bakaaba.
  Ekituufu: Alese ng'abaana bakaaba
  Ensonga: Mu sentensi mutekeddwa okubaamu akabonero akasukkize okusobola okugatta entababigambo ku linnya kuba litandisa nnukuta mpeerezi
- Musoma kitabo ki ekyo.
  Ekituufu: Musoma kitabo ki?
  Ensonga: Sentensi erimu okubuuza esembyayo kabonero kabuuza.
- Batugambye nti tetuddamu okweyisa webali.
  Ekituufu: Batugambye nti, "Tetuddamu okweyisa webali."
  Ensonga: Sentensi ewaaba erina okubaamu obubonero obuwaabi awamu n'akawummuza.
- Obumyu buty'omuddo omungi kuba gubulwaza.
  Ekituufu: obumyu butya omuddo omungi kuba gubulwaza
  Ensonga: Akabonero akasukkize tekabeera wakati wakigambo ng'ekisooka kisussa mu nnukuta essattu

(v) Olulimi olwabulijjo

Ensobi ez'ekika kino ezikolebwa zitera kubeera mu nkozesa y'olulimi olw'enjawulo okugeza olugenda n'ebisolo, ebinnyonyi, ebirime n'ebirala ekyokulabirako

Embwa ya Musoke yazadde eggulo

Ekituufu : embwa ya Musoke yabwagudde ggulo.

Ensonga tezaala ebwagula.

Omusota gwamulumye ne gumulekamu obutwa

Ekituufu: Omusota gwamubozze ne gumulekamu obusagwa.

Ensonga : omusota teguluma gubojja ate era guba nabusagwa.
Omuyizi alina empisa embi.
Ekituufu : Omuyizi alina amayisa amabi.
Ensonga : Teri mpisa mbi mu luganda empisa zonna ziba nnungi

WET:

Ebibuuzo ebikwatagana n'okugolola ensobi biteera kubaamu emirundi esatu

- Ekibuuza okugolola ensobi yokka nga tekyetaaga kintu kirala kyonna
- Ekibuuza etteeka erimenyeddwa mu mpandiika ya sentensi nga kiyinza obutakwetaagisa kugolola nsobi mu kusooka
- Ekigatta byombi omuli okugolola ensobi awamu n'okuwa eteeka erimenyeddwa.

Omuyizi asaanye okwegendereza ennyo ekibuuzo ekimuweereddwa asobole okukiddamu obulungi.

OKWEGEZAAMU

(i) Golola ensobi ezikolebbwa mu sentensi zino

- Twasanze enkoko ekyatudde ku magi gasobole okuvaamu obwana
- Seggwaanga ya mwami Kitooke etomeddwa emmotoka
- Mugambe anzigyeko olwogolo
- Ente ye eri lubuto era eneetera okuzaala.
- Bagenze ggulo mu kibuga.
- Kulubaawo bakubyeko ekifaananyi ekinene.
- Nzemmuyise.
- Muzadde wa lumala tannamuzza ku ssomero.
- Lumonde gwe tulidde alimu ekiwunya.
- Omusajja tumusanze ali mu kutereeza wasembedde okulima asobole okutandikira awo enkeera.

(ii) Nyonnyola ku mateeka g'empandiika agamenyeddwa mu sentensi zino wammanga

- Omulambo gwa Kabaka Muteesa bagutuusa kiro
- Omulaalo agenze kutwala nte zinnywe amazzi.(okwosera)
- Ebyaayi by'atuwadde tebimaze
- Lekeraawo okuluundira mu nnimiro yange
- Abayizi balidde rumonde atawooma.
- Abawwala bonna bagenze
- Essoowani enddala ebuze.
- Buli lwe tugenda e kaliro tukeera nnyo

(iii) Golola ensobi ezikoleddwa mu bigambo owe n'amateeka agamenyeddwa mu mpandiika.

- Emiindi .
- okwejjako
- ebyaamasanyalaze

- okulleka
- okweyyagula

(iv) Nnyonnyola ku nsobi ezikoleddwa mu bigambo bino

- Okufuluta
- Emilimu
- Ngakaaba
- Enjjala
- enṋonge

EMBU Z'EBIGAMBO (PARTS OF SPEECH)

Ebigambo bye tweyambisa mu lulimi oluganda byonna birina amannya gaabyo aga ggulama bye gayitibwa . kale nno amannya gano getuyita embu z'ebigambo. Mu bufunze olubu tuyinza okuluyita ettuluba ebigambo eby'enjawulo mwe bigwa. Embu z'ebigambo ziri munaana era nga ze zino

1) amannya (nouns)
2) Nakasigirwa (pronouns)
3) Nakongezalinnya (adjectives)
4) Ebikolwa (verbs)
5) Nakongezakikolwa (adverbs)
6) Nakalazi/ ssenfo (preposition)
7) Nakayunzi / entababigambo (conjuctions)
8) Nakakunga/obwewuunya (interjuction)

ERINNYA/ AMANNYA

Erinnya ky'ekigambo ekituumibwa omuntu oba ekintu okukyawula ku kirala (omulala). Amannya gano gawulwamu ebika eby'enjawulo

Ebika by'amannya

Mu luganda tulina ebika by'amannya ebikulu bina wadde nga waliwo n'ebirala ebyogerwako naye ojja kwesanga ng'ebyo nabyo bigwa mu biri ebina ebimenyeddwa era ebika by'amannya bye bino

a. Agenkalakkalira (proper nouns)
b. Agoolukale (common nouns/ improper)
c. Agebibinja (collective nouns)
d. Agebitakwatwako (Abstract nouns)

Amannya g'enkalakkalira

Gano ge mannya agatuumibwa abantu/ ekintu naye nga tegakyukakyuka. Mu gano tulinamu

- Agabantu okugeza Nalubega, Nalukwago , Ssebunya
- Agebyalo okugeza Bweyogerere, Ggomba , Kasangati
- Agebibuga okugeza Kampala, Jinja, Masaka, Mbale
- Agensi okugeza Yuganda, Kenya, Tanzania, Malawi
- Agebibira okugeza Mabira, buddongo

Amateeka mu kuwandiika amannya gano

- Buli lwe gawandiikibwa gatandisa nnukuta nnene ne bwegaba wakati wa sentensi okugeza
  Bwe twagenda e **Namboole** okulaba abayimbi twasanga ekisaawe kijudde
  Omuwala bamugambye ayite Nalukwago yekka
- Amannya gano tegagattibwa ku kigambo kirala wabula gawandiikibwa gokka mu bbanga
- Amannya gano tegakutulwamu ne bwegaba nga gakolebwa ebigambo ebiwerako nga bwe guli ku mannya g'engero tusigala tuliwandiika nga liri wamu
  Okugeza Basajjamivule
  Bangisibano
  Kijjanabalola
  Balikuddembe

Amannya agoolukale (common nouns)

Gano ge mannya agatuumibwa ebintu /abantu abagwa mu ttuluba / oluse olumu oba abakola omulimu ogumu wabula nga tegaggyaayo linnya lya muntu/ kintu ery'enkalakkalira okugeza abawala, abasomesa, abasawo, abakyala, abayizi, abasajja, abayimbi ,abalenzi

Amannya gano buli lwe gawandiikibwa gabeera gatandisa nnukuta ntono okuggyako nga ge gatandise sentensi nga wano

- Abayimbi bonna bajja kuyimbira omutanda.
- Abawala abagenze ku luzzi tebanadda.
- Abayizi baawereddwa ebirabo olw'okusoma obulungi.
- Omusomesa waffe asomesa bulungi era tumwagala.

Agebibinja (collective nouns)

Gano ge mannya agatuumibwa ebintu ebingi ebifaanagana nga biteereddwa wamu okugeza

Ebintu	Erinnya ly'ekibinja
Jjambula	Kirimba
Ente	Eggana
Enku	Olusekese
Embuzi	Oluseregende
Omusenyu	Entuumu
Enswa	Omutwalo
Abantu	Ekibiina
Essubi	Ekinywa
Amalaalo	Olubungu
Amayinja	Emiino

Amannya agebitakwatwako

Gano gatuumibwa ebintu ebitasobola kukwatwako wabula nga tusobola okubiraba , okubiwunyiriza oba okubiwulira (feel)

Okugeza essanyu

Akawoowo ettima obugunjufu emputtu

Omukwano empisa enjala otulo

Enseko ekisa akalaakya

Okwewulira akajanja ebbugumu

WET :

Waliwo ebika ebirala ebirabika nga tebikoneddwako nga mwe muli agebitabalika (uncountable nouns) n'agebibalika (countable nouns) okugeza eggaali, essaati, ebibbo. Amannya agali mu bika bino gagwa mu goolukale noolwekyo ebika bino kitundu ku mannya goolukale

EBIRALA KU LINNYA

Mu nzimba ya sentensi muyinza okweyolekeramu amannya agawerako era gano gabeera n'amannya agenjawulo okusinziira ku kifo weriri n'omulimu gwerikoze. Mu mannya ago mwe muli

(i) Erinnya ekkozi

lino ly'erinnya eribeera likola ekikolwa mu sentensi okugeza

- Maama alima.
  Linnya kkozi
- Kato atutte ekibbo
  Linnya kkozi
- Omulalu atemye omwana n'afa
  Maama, Kato, n'omulalu gonna mannya makozi kubanga ge gakola ebikolwa ebiri mu sentensi

(ii) Erinnya erikolebwako

Lino ly'erinnya eribeera likolebwako ekikolwa mu sentensi okugeza

- Kato atutte ekibbo.
- Omulalu atemye omwana.
  Mu sentensi ezo waggulu ekibbo, n'omwana ge mannya agakolebwako ekikolwa eky'okutwala n'okutema

Erinnya erikolebwako lisobola okwawulwamu emirundi ebiri

(a) Erikolebwako obutereevu.
Lino lye linnya lye babeera bakolako ekikolwa era teriganyulwa mu kikolwa kikolebwako wabula lifiirizibwa.okugeza Taata awadde maama ensawo ennungi.
Ensawo ly'erinnya erikolebwako obutereevu kubanga yegabibwa.

(b) Erikolebwako oluvannyuma

Lino ly'erinnya eribeera ligannyulwa mu kikolwa ekikolebwa okugeza

- Taata awadde maama ensawo ennungi.
- Abayizi basambira omupiira mu kisaawe.

Mu sentensi ezo waggulu maama, n'omupiira mannya agakolebwako oluvannyuma

Mu bufunze,

(i) Taata awadde maama ensawo ennungi

- Taata linnya kkozi
- Maama linnya likolebwako luvannyuma.
- Ensawo linnya likolebwako butereevu

(ii) Abayizi basambira omupiira mu kisaawe

- Abayizi linnya kkozi.
- Omupiira linnya likolebwako luvannyuma.
- Kisaawe likolebwako butereevu.

WET:

(i) Sentensi esobola okuzimbibwa n'erinnya erimu, oba abiri oba asatu noolwekyo sikyateeka nti gonna galina okubeeramu

- Omwana akaaba nnyo
- Omuwala alidde emmere
- Tamale akumye omuliro mu kibira.

(ii) Erinnya ekkozi era lisobola okubeera nga lye likolebwako kino kyeyolekera mu kawakatirwa akeekolako okugeza

- Namazzi yeetemye
- Abaana beekonye nga bava ku ssomero

Amannya ago gombi agasaziddwako gakoze ng'amakozi ate ku luyi olulala ng'agakolebwako.

ERINNYA

Ekkozi erikolebwako

Butereevu oluvannyuma

EBITUNDU BY'ERINNYA

Amannya galina ebintu byago ebyenjawulo

- Empeerezi esooka eno y'empeerezi eba etandika erinnya okugeza **o**- muti
- Ennyingo y'erinnya eno y'ennyingo eraga olubu erinnya mwe riggwa okugeza **ba**- wala

- Enduli/ekikolo kino ky'ekikolo ky'erinnya ekitakyuka okugeza - piira
  o- mu- piira
  a ba lenzi
  e- ki- baawo

OKWEGEZAAMU

Saza ku mannya agali mu katundu kano olage n'ebika mwe gagwa

Omuwala baamutwala e Namboole asobole okuyiga okuyimba era yafuna essanyu lingi kubanga abantu bangi ab'ettima baali tebamwagaliza bya kuyimba. Wabula ekibinja kye yasangayo kyamwongera amaanyi.

EMBU Z'AMANNYA

Olubu ly'ettuluba amannya ag'enjawulo mwe gagenda mu luganda tulinamu embu z'amannya 23 era
ze zino

1MU

Muno mugendamu amannya gonna ag'abantu agenkalakkalira okugeza Nabasumba, Namitala,Katumba, Mugisha, Musoke

- Mugendamu n'amannya g'ensolo gafuuliddwa abantu okugeza Wampologoma, Wante, Wambuzi, Wakayima
- Mugendamu n'amannya amalala nga ssabuuni, pulofeesa
- Mugendamu amannya g'ebimera nga kkamulaali, muwogo, kasooli , jjambula
- Mugendamu amannya g'endwadde agatandisa n'ennyingo eya mu okugeza Mukeneenya, mulangira.

Amannya gano galagibwa ne nakasigirwa endazi eya ono/oli/oyo

2BA

Muno mugendamu amannya agali mu 1Mu nga gali mu bungi okugeza bawala, banamusisi, bavubuka bawampologoma

Amannya gano galagibwa Nakasigirwa endazi eya bali/abo/bano

3MU

Muno mugendamu amannya gano

- Agebimera okugeza muyembe, muccungwa, muwongo
- Agebisolo okugeza munnya, musota
- Ag'endwadde okugeza musujja , mutwe

Nakasigirwa endazi guno/guli/ogwo

4MI

Muno mugendamu amannya getulabye mu 3mu bwegabeera mu bungi okugeza emiwogo, eminnya,misujja, miyembe

Nakasigigrwa endazi gino/giri/egyo

5LI

Muno mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo ‘li’ okugeza linnyo, lyato, linnya, liggwa,liiso

- Mugendamu n’amannya agaba galaga obunene bw’ekintu okugeza kkazi, ssolo, lisota, lisajja, liwala
- Mugendamu n’amannya amalala nga bbala, jjuni, ttaka,ttama

Nakasigirwa endazi lino/liri/eryo

6MA

Amannya agagenda mu lubu luno gatandika n’ennyingo eya ‘ma’ era nga galaga obungi bw’amannya agali mu 5Li okugeza amaaso amannyo amaato amaggwa

- Mugendamu n’amannya amalala ng’obumu bwago buli mu 15ku naye nga gatandisa n’ennyingo eya ‘ma’ okugeza magulu, matu

Nakasigirwa endazi gano/gali /ago

7KI

Muno mugendamu amannya agatandika n’ennyingo ‘ki’ okugeza ekiti, ekikopo,ekyoto, kigiko kitabo

- Mugendamu n’amannya agagezaako okuvumaganya ekintu okugeza kisajja, kikazi
- Amannya agagendamu gasobola n’okulaga nti ekintu kinene mu ndabika

Nakasigirwa endazi kino/ ekyo/ kiri

8BI

Olubu luno lugendamu amannya agali mu 7ki nga gali mu bungi okugeza ebisero, bigiko, bikopo biwala

Nakasigirwa endazi bino/biri/ebyo

9N

Muno mugendamu amannya agatandikibwa Nakinyindwa naye ng’egatiddwako ensirifu endala okugeza embwa, enkumbi, engatto, ŋŋoma, eŋŋano

- Mugendamu n’amannya agagandawaazibwa okugeza essaawa, essaati, eggaali, emmotoka.
- Mugendamu amannya agava mu bikolwa naye nga gasoosa ennukuta eya ‘n’ okugeza ensoma, endya, enfumba, enzina n’amalala

Nakasigirwa endazi eri eno/eyo/eri

10N

Mugendamu amannya agali mu 9N nga gali mu bungi okugeza embuzi, enkoko, ŋŋaali wabula ekikolo tekikyuka wabula nakasigirwa endazi y’ekyuka.

- Mugendamu amannya g’olubu 11lu nga gali mu bungi okugeza ensozi, enku, embaawo, engoye, ensekese

Nakasigirwa endazi: zino /ziri/ ezo

11LU

Muno mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo ‘lu’ okugeza luku, luzzi, lusuku, lugoye, lupapula

- Mugendamu n’amannya agalaga obuwanvu bw’ekintu okugeza oluwala, olusajja, olukazi.

Naksigirwa endazi : luno/luli/olwo

12KA

Mugendamu amannya agatandika n’ennyingo eya ka’ okugeza katale, kawunga, kambe, katungulu

- Mugendamu n’amannya agalaga obutono bw’ekintu okugeza kasajja, kawala, katabo, kasumuluzo, katebe

Nakasigirwa endazi kano/ako/kali

13TU

Mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo eya ‘tu’ okugeza otulo

- Mugendamu amannya agalaga obutono bw’ekintu nga gatandisa n’ennyingo ‘tu’ okugeza tukazi, tuwala,tusajja, tuzzi tunnyo

Nakasigirwa endazi ziri tuno/otwo/tuli

14BU

Mugendamu amannya agali mu 12Ka ne 13tu nga gali mu bungi okugeza butale, butungulu, bwambe, busaati

Nakasigirwa endazi buno/buli/obwo

15KU

Mugendamu amannya agatandika n’ennyingo ‘ku’ okugeza kutu, kugulu

Mugendamu n’amannya agatandisa n’ennyingo ‘ku’ nga gava mu bikolwa okugeza okulya okuwaata okulima

Nakasigirwa endazi ziri kuno/kuli/ okwo

16WA

Mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo ‘wa’ nga galaga bifo okugeza wansi, waggulu, wamberi

Nakasigirwa endazi ziri wano/wali/awo

17KU

Mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo ‘ku’ nga galaga bifo okugeza kungulu, ku mmeeza,

Nakasigirwa endazi kuno/kuli/okwo

18MU

Mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo ‘mu’ nayo ngera eraga bifo okugeza mmunda, mu kisero mu kikebe, mu mmotoka

Nakasigirwa endazi ziri muno/muli/omwo

19————

20GU

Mugendamu amannya agatandisa n’ennyingo ‘gu’ naye nga galaga obunene bw’ekintu era gaggya ennono zaago mu mbu endala okugeza guwala, gusajja, guyumba, gulenzi

Nakasigirwa endazi ziri guno/ogwo/guli

21———

22GA

Mugendamu amannya agali mu 20GU nga gali mu bungi okugeza gasajja, galenzi, gawala

Nakasigirwa endazi ziri gano/gali/ago

23E

Mu lubu luno mugendamu amannya agatandisa ennyingo eya ‘e’ naye nga galaga bifo okugeza ewaffe, ebbali, egindi, emmanga

Nakasigirwa endazi ziri eno/eri/eyo

EBYETAAGO BY’OLUBU

Bino by’ebintu ebyenjawulo byetwekeneenya ebitwoleka oba ebitukakasa embu amannya agenjawulo mwe gagenda. Amannya gano gateekwa okuba nga gakkiriziganya bulungi n’ebyetaago by’olubu olwo. Buli lubu lubeera na bino wamanga era nga bye tugoberera okufuna amannya agalugenda.

(i) Empeerezi esooka

Eno y’empeerezi ebeera etandika erinnya era mu luganda ziri ssatu a, e, ne o. Kyamazima waliwo amannya agatalina mpeerezi esooka naddala agenkalakkalira nagala ebifo.

Empeerezi esooka ku linnya ebeera efaananira ddala n’eyo eri ku lubu okugeza

Singa empeerezi eri ku lubu tetandika kigambo nga bwe guli ku 3mu, 1mu, 5li

Ku u empeerezi esooka efuuka “o” ate

Ku i empeerezi esooka ebeera “e” okugeza

3mu omuyembe

7ki ekikopo

8bi ebikopo

11lu oluku

Noolwekyo empeerezi esooka eri ku linnya singa tekkiriziganya naya lubu kitegeeza erinnya terigenda mu lubu olwo.

(ii) Ennyingo y’erinnya ku kikolwa

Eno y’ennyingo ebeera ku ntandikwa y’ekikolwa ng’ekwatagana n’erinnya .Ennyingo y’erinnya ku kikolwa eteekeddwa okuba ng’ekkiriziganya bulungi n’amannya agali mu lubu olwo okusobola okussa erinnya mu lubu okugeza.

Olubu	Ennyingo y’erinnya	ekyokulabirako
1mu	A	Omuwala ayomba

		Mukene agudde wansi Mukenenya aluma abantu
3mu	Gu	Omuti gugudde Omusujja gumuluma
12ka	Ka	Akambe kasala bulungi Akatunda kayise ku ttaka

(iii) Nakasigirwa endazi

Eno ye nakasigirwa eraga . Nakasigirwa endazi egendera ku linnya eryo eteekwa okuba ng'ekkiriziganya bulungi ne eyo eyolubu. Nakasigirwa endazi erina ebikolo bisatu era byonna oyinza okubyeyambisa

-no, -li, -o okugeza

- 11lu luno / olwo/ luli
- 16wa wano / wali / awo
- 13tu tuno/ tuli/ otwo
- 14bu buno/ obwo/ buli

(iv) Omuwendo

Omuwendo guno gubeera gulaga obungi oba obutono bw'erinnya. Omuwendo ogugendera ku linnya guteekeddwa okuba nga gukkiriziganya bulungi n'omuwendo ogw'olubu olwo. Omuwendo gubalibwa okuva ku emu okutuuka ku ttaano okugeza

1mu	omu
2ba	babiri/ basatu / bana / bataano
3mu	gumu (muyembe / musota / muccungwa)
4mi	ebiri/ essatu/ ena / etaano
5li	limu (eryato/ erinnyo / eriiso)

(v) Nakasigirwa entabaluganda ekolebwako

Eno ye nakasigirwa ebeera ereetawo okukwatagana wakati w'erinnya erikolebwako n'ekikolwa.Entabaluganda ekolebwako egendera ku linnya eryo eteekeddwa okukkiriziganya n'eyo eri mu lubu erinnya okusobola okuggya mu lubu olwo okugeza

- 11lu lwe olugoye lwe baleese lubuze
- 12ka ke akambe ke baleese tekasala bulungi.
- 9N gye Embuzi gye batomedde efudde

- 10N ze enkoko ze bamuwadde ndwadde

(vi) Nakasigirwa entabaluganda enkozi

Eno ye nakasigirwa ebeera ereetawo okukwatagana wakati w'erinnya ekkozi n'ekikolwa.Entabaluganda enkozi egendera ku linnya eryo eteekeddwa okukkiriziganya n'eyo eri mu lubu erinnya okusobola okuggya mu lubu olwo okugeza

- 1mu a omwana akaaba ekiro atama
- 2ba aba- abawala abatuleekanidde bagobeddwa
- 3mu ogu- omuyembe ogugudde gukubye omwana.

(vii) Nakasiba

Eno eteekeddwa okukkiriziganya n'amannya agagenda mu lubu luno era ebeera efaananira ddala n'egendera ku linnya. Nakasiba ebeera emalawo okubusaabusa ku linnya eriri mu kikolwa okugeza

6ma ge amatu ge basazeeko
20gu gwe oguwala gwe guyomba
22ga ge agalenzi ge batumye ku luzzi

(viii) Ennyingo y'olubu

Eno esangibwa ku nakongezalinnya ne ku linnya eteekeddwa okuba ng'ekkiriziganya bulungi n'erinnya lyonna erigenda mu lubu olwo okugeza

- Omuwala (1mu)
- Bawala (2ba)
- Mulungi (3mu, 1mu)
- Kinene (7ki)

olubu	Erinnya	Nakasigirwa endazi	Ennyingo y'erinnya	Empererezi esooka	Entabaluganda ekolebwako	Entabaluganda enkozi	Omuwendo	Nakasiba
1mu	Omuwala	Ono/oli/oyo	A	O	Gwe	a	Omu	Gwe
2ba	Abasawo	Bano/bali	Ba	A	Be	aba	Babiri/basatu	Be
3mu	Omuti	Guno/guli	Gu	O	Gwe	ogu	Gumu	Gwe
4mi	Emikalo	Gino/egyo	Gi	E	Gye	egi	Ebiri/esatu	Gye

5li	Eryato	Lino/ eryo	Li	e	Lye	eri	Limu	Lye
6ma	Amagumba	Ago/ gali	Ga	a	Ge	aga	Abiri	Ge
7ki	kitooke	Kino/ekyo	Ki	e	Kye	eki	Kimu	Kye Kye
8bi	bimuli	Bino/ebyo	Bi	e	Bye	ebi	Bibiri	Bye
9n	mpuuta	Eno/eyo	E	e	Gye	e	Emu	Gye
10n	mbwa	Zino/ ezo	Zi	e	Ze	ezi	Bbiri	Ze
11lu	luku	Luno/luli	Lu	o	Lwe	olu	Lumu	Lwe
12ka	kambe	Kano/kali/ ako	ka	a	Ke	aka	Kamu	Ke
13tu	tuzzi	Tuno/tuli	Tu	o	Twe	otu	Tumu	Twe
14bu	butungulu	Buno/obwo	Bu	o	Bwe	obu	Bubiri	Bwe
15ku	Okugulu	Kuno/okwo	Ku	o	Kwe	oku	Kumu	Kwe
16wa	Waggulu	Wano/ wali	Wa	---	We	awa	Wamu	We
17ku	Kungulu	Kuno/okwo	Ku	.....	Kwe	oku	Kumu	Kwe
18m	Munda	Muno/ muli	Mu	----	Mwe	omu	Mumu	Mwe
19-								
20gu	Ogusajja	Guno/ogwo	Gu	o	Gwe	ogu	Gumu	Gwe
21-				.....				

22 ga	Agakyala	Gano/ago	Ga	a	Ge	aga	Abiri	Ge
23 e	ewaffe	Wano/awo	wa	e	We	e	----	We

OKUGERAAGERANYA EMBU Z'AMANNYA

Bw'obeera nga weekeneenyeza embu z'amannya zirina bingi bye zaawukanya ate ne bye zifaanaganya era enjawulo eno awamu n'okufaanana obitegeerera ku bino wamanga

(i) Amannya agagendamu

Embu ezimu zifaanaganya ate era ne zaawukanya amannya agazigendamu okugeza

1mu ne 3mu zombi zirina amannya g'ebimera kamulaali (1mu), omuyembe (3mu)

Enjawulo

1mu mugendamu amannya g'abantu ate 3mu temugendamu g'abantu

(ii) Omuwendo

Ezimu zifaanaganya omuwendo nga zonna ziri mu bumu okugeza

3mu gumu (omuccungwa)
20gu gumu (oguwala)

So ate ezimu zaawukanya emiwendo

2ba babiri / basatu
5li limu

Agamu mangi amalala matono/ gali mu bumu

(iii) Nakasigirwa endazi

Eno esobola okukulaga okufaanagana oba okwawukana okugeza

9N ne 23e ezifaanagana oba okwawukana okugeza

9n eno/ eri/ eyo (ente)
23e eno / eri/ eyo (eyo)

Okwawukana okugeza

7ki ne 8bi zawukana

7ki kino / kiri/ ekyo
8bi bino/ biri / ebyo

(iv) Empeerezi esooka

Embu ezimu zifaanaganya empeerezi esooka okugeza 15ku, 3mu, 11lu, ate endala zizawukanya okugeza 14bu (o), 12ka(a), 5li (e)

(v) Ennyingo y'erinnya ku kikolwa

Eno etwoleka bulungi enjawulo mu mbu z'amannya kubanga esinga obungi tezifaanana. Wabula 3mu ne 20gu zo zizifaanaganya.

(vi) Entabaluganda ekolebwako

Embu z'amannya ezimu zifaanagana mu ntabaluganda ekolebwako okugeza 1mu ne 3mu zonna zirina "gwe" so ate era zaawukanya entabaluganda eno 13tu ne 14bu n'endala

(vii) Nakasiba

Mu bufunze

Embu z'amannya zonna oba ezisinga zirina we zikwataganira oba bye zifaanaganya wadde era kino tekizirobera kubaako ne bye zaawukanya

Ebyetaago by'olubu biyamba kinene okukulaga bye zifaanaganya awamu ne bye zaawula n'amannya gaazo gennyini gatwoleka enjawukana oba obukwatane / okukwatagana

OKUBINJAWAZA EMBU Z'AMANNYA

Embu zino zirina ebibinja ebyenjawulo mwe ziyinza okugenda era bye bino

(i) Eziraga obumu (amannya agali mu bumu)

Zino zibeera zigendamu amannya agali mu bumu era mwe muli

- 1mu musawo
- 3mu muyembe
- 5li linnyo
- 7ki ekikajjo
- 9n ente
- 11lu olugoye
- 12ka akambe
- 13tu otunnyo
- 15ku okulima
- 20gu gusota

(ii) Ezirimu amannya agali mu bungi

- 2ba bakazi
- 4mi miccungwa
- 6ma maaso
- 8bi bisero
- 10n eṅṅaaṅa
- 14bu obutungulu
- 22ga gati

(iii) Eziraga ebifo

Zino zibeeramu amannya nga galaga bifo byokka okugeza

- 16wa wansi
- 17ku kungulu
- 18mu munda
- 23e ewaffe

(iv) Eziraga obunene bw'ekintu

Zino ziba n'amannya agalaga nti ekintu kinene (size) okugeza

- 20gu guwala
- 22ga gasajja

- 8bi ebirenzi
- 7ki ekisajja

(v) Eziraga obutono bw'ekintu (size)
- 11lu oluwala
- 12ka akakima

(vi) Ezivumaganya ekintu/ erinnya
- 8bi ebiyizi
- 20gu ogusajja
- 22ga agawala
- 7ki ekibwa

(vii) Ezirimu amannya agava mu bikolwa
- 15ku
- 9n

(viii) Ezigendamu amannya agatagenda mu mbu ndala
- 15ku okusoma
- 16wa wansi
- 17ku
- 18mu
- 23e

NAKASIGIRWA (PRONOUNS)

Nakasigirwa ky'ekigambo ekisigira oba ekiyimiririrawo ku bw'erinnya ly'omuntu oba ekintu okugeza ffe, mmwe, ggwe, nze, mu, ba, ye, ku, bo

WET: Ekigambo Nakasigirwa kiva mu kusigira ekitegeeza nti wabeerawo omulala oba adidde munne
mu bigere

EBIKA BYA NAKASIGIRWA

Mu luganda tulinamu Nakasigirwa ez'enjawulo era nga ze zino
(i) Ezoobuntu (personal pronoun)
(ii) Ezoobwannanyini (possessive)
(iii) Endazi (demonstrative)
(iv) Embuuzi (interrogative)
(v) Entabaluganda (relative pronoun)

Ezoobuntu(personal pronoun)

Zino ziyimiririrawo ku bw'omuntu era nga zaawulwamu ebika bino

a) Nakasigirwa ezoobuntu ezeemala

Zino bweziba nga zikozeseddwa mu mboozi zibeera nga ziyimiririrawo ku bwazo era zisobola okuwa amakulu ne bwe zitabeera mu mboozi/ sentensi okugeza bo, mmwe, ffe, ggwe

OMUNTU	**BUMU**	**BUNGI**	
Asooka(first person)	Nze	Ffe	
Owookubiri(2nd person)		Ggwe	Mmwe
Owookusatu (3rd person)		Ye	bo

Ebyokulabirako

Ggwe watuyise ne tuva ku byetukola
Singa teyabadde ye kutuvuma te twandimukubye
Nze namugambye abireete wano

*b) **Nakasigirwa ezoobuntu eziteemala***

Zino tezisobola kuyimirirawo zokka okuggyako nga zikozeseddwa mu mboozi/ sentensi okugeza a-, o-, ku-, mu-, -n-, -ku-

Nakasigirwa zino ezitemala zaawulwamu emirundi ebiri

i. Enkozi : zino zibeera ziraga omuntu akola(subject) ekikolwa era ze zino

OMUNTU	**BUMU**	**BUNGI**
Asooka (1st person)	n-	Tu-
Owookubiri (2nd person)	o-	Mu-
Owookusatu (3rd person)	a-	Ba-

Ebyokulabirako

Ndya emmere ewooma
Oyagala ku tukola ki mwana wattu?
Nakalule ayimba bulungi nnyo
Tumulabye ng'ava ku luzzi
Abaana babatutte bali bubi

ii. Ezikolebwako : zino ziraga omuntu abeera akolebwako ekikolwa(object) era ze zino

OMUNTU	**BUMU**	**BUNGI**
Asooka (1st person)	-n-	-tu-
Owookubiri (2nd person)	-ku-	-ba-
Owookusatu (3rd person)	-mu-	-ba-

Ebyokulabirako

Babakubye nga baluddeyo e bweru
Amutuze era n'afiirawo
Yatugulira ebirabo bingi bwe twayita ebibuuzo
Ggwe onkubye olweyo mu mutwe

Nakasigirwa ezikolebwako zisobola okwawulwamu ebiti bibiri

- ❖ Ezikolebwako obutereevu (kaabulindiridde)
  Wano omuntu abeera akolebwako obutereevu ekikolwa ekiri mu sentensi era tagannyulwa mu kikolwa kiri mu sentensi okugeza
  - Bakimutwalidde mu lusuku.
  - Mumutugambire ayite wano ng'akomawo
  - Ababakubidde anti babadde baleekana mu kibiina.
- ❖ Ezikolebwako oluvannyuma (Binsangawano)
  Zino zibeera ziraga omuntu agannyulwa mu kikolwa ekikolebwa okugeza
  - Omumulabiddeko ng'ayita wano obwedda amunoonya?
  - Abituweereza twabadde tubyerabidde.
  - Basabe bamutuyitireko tuyinza obutamulaba

Weetegereze: Buli nakasigirwa zino lwe zibeera mu sentensi bulijjo kaabulindiridde yesooka binsangawano neba eyookubiri wabula oteekeddwa okuteekako enkozi olwo ne ziddako.

Mu bufunze

Ezoobuntu

Enkozi		Ezikolebwako	
N	tu		
O	mu	obutereevu	oluvannyuma
A	ba	(kaabulindiridde)	(binsangawano)

Okwegezaamu

Saza ku nakasigirwa eziri mu sentensi zino oziwe amannya

- Amututwaliddeko eka
- Tubakulabiranga
- Ebabakonedde ne bava mu kkubo
- Mumumuloopere by'akoze
- Bakibaweereze ekiro

Nakasigirwa ezobwannanyini (possessive pronouns)

Zino zibeera ziraga omuntu alina obuyinza ku kintu okugeza –ange, affe, -o, -e, -abbwe, ammwe

OMUNTU	BUMU	BUNGI
Asooka	-ange	-affe

Owookubiri -o -ammwe

owookusatu -e - abwe

Ebyokulabirako

- Genda ondeteere yange yokka
- Mugambe akuwe ku yiye owandiiseeko
- Mutwale omwazike ku gaabwe
- Twabadde tumuwadde ku byaffe naye teyabizizza

Nakasigirwa endazi(demonstrative pronouns)

Zino zikozesebwa okulaga ekintu we kiri era zino za mirundi essatu era nga ze zino

i. Eraga ekintu ekiri okumpi n'ayogera era eragibwa n'ennyingo –no okugeza
   - Bano bonna abali wano twabayise ggulo
   - Bano balina ekyejo okusinga ku ba Lutaaya
   - Ekitabo kiri wano
ii. Eziraga ekiri okumpi ne gwe balaga so ng'ate kiri wala n'oyo alaga era eragibwa n'ennyingo eya –o okugeza
   - Eyo gy'oleese tewandiika bulungi
   - genda omugambe akuwe obwo bwe butyo
   - wabula ako kewamuwa katonya
iii. Eziraga ekintu ekiri ewala wa bombi (alaga ne gwe balaga). Eno eragibwa n'ennyingo eya –li okugeza
   - kiri kye mutumye kijja kukola bulungi
   - Ndetera kali kenjagala

Nakasigirwa ezibuuza/ embuuzi (interrogative pronouns)

Zino ziwandiikibwa singa sentensi ebaamu okubuuza. Zino ziba zibuuza ekifo, obudde, ensonga, oba omuwendo gw'ekintu era ze zino

Wa? Tya? Ddi? Ani? Ki? , ,lwaki? Mmeka?

Ebyokulabirako

- Lwaki oyambadde olugoye olwo?
- Okomawo ddi ewaka?
- Ani akukubye?
- Bammeka abagala engoye?

Wetegereeze:

Waliwo sentensi ezimu ezibuuza wadde nga temuli Nakasigirwa zibuuza okugeza

- onoolya amatooke?
- Oyo mwana y'akaaba ?
- Obadde olya kasooli ?

Nakasigirwa entabaluganda (relative pronoun)

Eno Nakasigirwa eba ereetawo oluganda oba enkolagana wakati w'erinnya n'ekikolwa. Erinnya liyinza okuba nga lye likola ekikolwa oba ng'ekikolwa kikolebwa ku lyo lye nyinni okugeza kye, bye, ge, lwe, ze, be

Nakasigirwa entabaluganda zawulwamu emirundi esatu era gye gino

a. Entabaluganda enkozi
b. Entabaluganda ekolebwako
c. Nnakasiba

Entabaluganda enkozi

Eno ebeera ereetawo oluganda oba enkolagana wakati w'erinnya erikola ekikolwa n'ekikolwa ekikolebwa. Nakasigirwa entabaluganda enkozi egattibwa ku kikolwa ne yongera amaanyi mu linnya

Ebyokulabirako

i. Omwana akaaba ekiro gwe baleese.
ii. Abasomesa ababakubye abaana abo bagenze.
iii. Oguwala ogutulekanira mugufulumye.
iv. Agalenzi agabbye ge batutte

Entabaluganda ekolebwako

Zino ziba zireetawo oluganda wakati w'erinnya erikolebwako ekikolwa n'ekikolwa ekyo kye nnyini ekikolebwa

Ebyokulabirako

i. Abaana be walabye babbi
ii. Omuti gwe watemye gugudde
iii. Ebikajjo by'oleese babitutte
iv. Omwana gw'okubye akaaba nnyo

Nakasiba

Kino kiba kigambo ekyongera okuleetawo oluganda wakati w'erinnya n'ebigambo ebirala. Wabula yo ebeera eyongera maanyi mu kyogerwako era n'okumalawo okubuusaabuusa

Ekyokulabirako

i. Amatu ge basazeeko
ii. Omuti gwe gugudde
iii. Enkoko z'ompadde ze babbye

Wetegereeze: singa Nakasigirwa entabaluganda ekolebwako eri mu sentensi emu ne Nakasiba bulijjo entabaluganda ekolebwako y'esooka olwo ne kuddako Nakasiba okugeza

Enkoko ze baaleese ze batutte
Amagi ge bamuwadde ge gattise

6 Nakasigirwa eziggumiza/ enziggumizi

Zino zibeera ziggumiza ekyo ekiba kyogerwako n'olwekyo ziba zongera amaanyi ku linnya eryogerwako mu sentensi/ erigikulembedde
Ebyokulabirako

i. Ennyumba yo y'ettonnya
ii. Abaana bo be bakubye empi
iii. Amagumba go ge ganfumise

Nakasigirwa ezoobuntu ezeemala zonna zisobola okukola ng'enziggumizi okugeza

Ggwe obbye ebinyeebwa byaffe
Nze muwadde obugatto obwo
Mmwe mubadde mutuleekanira

7 Nakasigirwa enkakasi

Zino ze zi Nakasigirwa eziba ziyongera okukakasa erinnya oba Nakasigirwa eba eyogerwako. Nakasigirwa enkakasi zonna zirina ekikolo kyazo ekya **'-nnyini'** okugeza

- Ffennyini
- Bennyini
- Gwennyini twala ogwo gwennyini
- Byennyini ebyo byennyini byatuleetedde.
- gennyini

8 Nakasigirwa ezessira

Kino kiba kigambo ekiba kiraga essira ku ekyo ekiba ky'ogerwako.
Nakasigirwa eyessira eragibwa n'ebikolo bibiri '**–kka', '-nna'**
Gokka
Lyokka
Zonna
Konna
Ebyokulabirako

- Akalidde konna ne kaggwaawo
- zonna azozezza bulungi ne zitukula
- mugambye abireete by**onna** talekaayo wadde n'ekimu